335/2
LUGANDA
Paper 2
July - August, 2023
2 ½ hours

UGANDA MUSLIM TEACHERS' ASSOCIATION

UMTA JOINT MOCK EXAMIANTIONS - 2023

UGANDA CERTIFICATE OF EDUCATION

LUGANDA

Paper 2

**Olupapula olwokubiri**

**ESSAAWA BBIRI N'EKITUNDU ($2\frac{1}{2}$)**

**EBIGOBERERWA:**

- Olupapula luno lulimu ebitundu bisatu **A, B,** ne **C.**
- Ddamu ebibuuzo bitaano **(5)** byonna awamu.
- Ddamu ebibuuzo byonna mu kitundu **A** ne **B**.
- Mu kitundu **C**, ddamu ebibuuzo bisatu byokka ng'ekimu ku byo kya bitontome.

© UMTA Joint Mocks 2023

Scanned with CamScanner

## EKITUNDU A

1. **Soma ekitundu kuno n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.**

Emmere kye kimu ku bintu ebikulu ebyetaagibwa mu bulamu obw'omuntu era bwetabaawo obulamu **bugotaana** mu ngeri nnyingi. Endwadde zeeyongera, kikonzibya obulimi kubanga abantu abayala tebasobola kukola, baba banafu nnyo. Wabalukawo entalo n'obukuubagano kubanga abantu abamu baagala okunyaga emmere ya bannaabwe, n'okulowooza kuba kutono kubanga obwongo bukolera ku kulya.

N'olwekyo okulima kulina enkizo mu kuyimirizaawo eggwanga Yuganda era kut eekwa okuweebwa ekitibwa mu ngeri zonna olw'okuba ye nnamuziga ebintu byonna kwe byetoloolera. Tuteekeddwa okulima tube n'emmere nnyingi, t usobole n'okwegobako obwavu. Okulima emmere si **kwejalabya** naye tuteekwa okukiraba ng'obutume obuva e ri Katonda. Ebyobulamu biserebye nnyo wano mu Yuganda wadde nga waliwo bingi ebikoleddwa okulaba ng'omutindo gwabyo gulinnya. Emiwendo egit eekebwa ku bintu ebikoleddwa o kulaba ng'omutindo gwabyo gulinnya. Emiwendo egit eekebwa ku bintu ebikozesebwa mu kulima giri waggulu bulala egiremesa omulimi wa wansi okubyetuusaako, abavubuka abalina amaanyi abasobola n'okutetenkanya ebyokulima baabivaako dda ne beddira mu bibuga.

Kyokka ate amakungula bwegatuuka gennyamiza! Okwewala okutundirawo ebikunguddwa kiyamba abalimi obutanyagibwa basuubuzi. Omulimi wa wansi mu Yuganda okuganyulwa obulungi alina bingi byasaana oku tuukiriza era nga bakuumidde nnyo omutindo wansi. Okutegeka obulungi ennimiro okwewala okuddingaana ekirime awantu we wamu, okusimba mu budde, okuwa ebirime amabanga, okukoola kisobozese ebirime okweyagala.

Amakungula geetaagisa ennyanika ennungi, entereka eziyiza ebiwuka okulumba ebikunguddwa, omulimi asobole okufuna akaseko ku matama n'obutejjusa.



Scanned with CamScanner

Ebintu bingi ebivumbuddwa nga bayit a mu kunoonyereza, okugeza, ensigo ezomulembe, ebyuma ebiyambako mu kulima, eddagala, ebigimusa n'ebirala kya nnaku okulaba ng'abalimi ba wansi bangi tebabimanyiiko kubanga oluusi emikutu egikozesebwa okubamanyisa gya waggulu nnyo bwogeraager anya n'omutindo gwabalimi. Oluusi tewali amanyisa balimi bassokerwako ab'omu byalo. Singa kino gavumenti ekitunulamu obulimi bujja kugenda nnyo mu maaso okugeza okuteekawo abalimsa nga batuuze mu byalo, bankalakalira era nga nabo bakwatirwako ddala n'emikono gyabwe.

Era kyetaagisa nnyo okwogera okwekenneenya oba **okunoonyereza** okunaatuusa abalimi ku mutindo ogutaabajuze. Ensigo enkuseemu zibala nnyo ate mu biseera ebimpi ddala naye ezimu tezigumira biseera bya kyeya, teziwooma bulungi, zetaaga kufuuyirwa buli kadde okubaako kyoziggyamu. Ensigo ezimu zikungulwa omulundi gumu, ng'omulimi **bwazizzaamu** talina kuzifunamu. Awo omulimi n'aba ng'alina okusasaanya ngayo ku dduuka buli lwayagala okusiga.

**Ebibuuzo:**

1. Ebyobulimi omuwandiisi abikwataganyizza atya n'eddiini? (obubonero 2)
2. Nnyonnyola engei ebbula ly'emmere gye likosaamu obulamu bw'abantu. (obubonero 3)
3. Omuwandiisi essira alisimba ku ki mu ebyo ebikosa obulimi mu Yuganda? (obubonero 8)
4. Abalimisa balina kufaanana batya? (obubonero 2)
5. Omuwandiisi atulaze atya obukulu bw'okunoonyereza mu by'obulimi? (obubonero 4)

© UMTA Joint Mocks 2023 

Scanned with CamScanner

6. Nnyonnyla amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu Kitundu ky'osomye. (obubonero 4)

- Bugotaana
- Kwejalabya.
- Okunoonyereza.
- Bwazazzaamu.

7. Okuva ku (g-) teekako eky'okuddamu mu bimpimpi nga bwe kisoboka. (obubonero 4)

g) Ekitundu kino okiwa mutwe ki ogukisaanira? ________

h) Lwaki omulimi alina okwewuuba ku madduuka? ______________

i) Omuwandiisi atwolese kifaananyi ki ku basuubuzi? ______________

j) Mulamwa ki omukulu abavubuka gwe bayiga mu kiwandiiko kino? ____

## EKITUNDU B

Ddamu nnamba 2a ne 2b

2a Maliriza engero zino nga bwe zoogerebwa. (obubonero 10)

(i) Akeezimbira ______________________________________

(ii) Ekibi tekirinda ______________________________________

(iii) "Weebale weebale" ______________________________________

(iv) Kabbo ka muwala ______________________________________

(v) Atamukutte y'ayamba nti ______________________________________

(vi) ______________________________________tawa musibe mmere.

(vii) ______________________________________ _______teguba muka.

(viii) ______________________________________omusiima bukedde

(ix) ______________________________________nga tonnawulira gwa Kasajja.

(x) ______________________________________tebaggweerawo ddala.



Scanned with CamScanner

2b Nnyonnyola amakulu g'engero zino ago'omunda. (obubonero 5)

i) Akooye banyaga.

ii) Omukulu takulira mpya bbiri endege tezivugira mu mazzi.

iii) Ayagala obukulu takyala.

iv) Akakyama amamera tekagololekeka bw'okagolola kamenyeka bumenyesi. Endeku bwogigolola emenyeka bumenyesi

v) Akwata empola atuuka wala, nawolovu atuuka ku kibuga

## EKITUNDU C

Ddamu ebibuuzo bisatu (3) byokka ng;obiggya mu butabo obwenjawulo nga akamu kubwo kabitontome. Toddamu kibuuzo kisukka kimu ku buli katabo.

### RUTH KABOGGOZA: AMAGGWA N'EMITEGO MU BUVUBUKA.

Ddamu nnamba 3a oba 3b

3a Ekigenda okusala Cissy kumuguwa ye Namugenyi yennyini, baba batambula nga Namugenyi akulembedde Cissy avaako emabega akafaananyi ne kagwa, olwagwa n'akanguyira mangu okukalonda. Ko Namugenyi nti "Cissy akyoki?" ko ye nti "Bintu byange" Ko Cissy nti, "Ndagaako bambi". Kale nnyima akafaananyiiko nange ndikumma ebyange". Ko Cissy nti lwotalinnyima bibyo mwana Wassebo kaakano.

**Ebibuuzo:**

(i) Ani nannyini kafaananyi kano? (obubonero 1)

(ii) Nnyonnyola emitendera Cissy gy'ayitamu okufuna akafaananyi ako? (obubonero 3)

(iii) Nnyonnyola ebibaddewo wakati wa Cissy n'omuvubuka, Namugenyi wa'tuukira? (obubonero 16)

© UMTA Joint Mocks 2023



Scanned with CamScanner

**Oba**

3b Nnyonnyola engeri ez'enjawulo kunvumula y'abagudde mu maggwa?

(obubonero 20)

## WALABYEKI MAGOBA MBAYIWA

**Ddamu nnamba 4a oba 4b**

4a ……………………yalaba biri bityo n'ategeerera ddala nti bukaaye. Mukazi wattu ng'asituka kufuluma, nga no yenna gamwesibye. Yalowooza ky'asaanye okukola nga takiraba. Bwe yatuuka okugamba nti ajja kugenda anoonye omulimu…………………..n'alowooza nti anaaguggya wa nga bwatalina bibaluwa……"

(i) Ebigambo ebyo bisimbuddwa mu ssuula ki eyolugero? (obubonero 2)

(ii) Ani ayogerwako mu bigambo ebyo by'osomye mu kabozi ako waggulu. (obubonero 2)

(iii) Kintu ki ekyali kiguddewo? (0bubonero 2)

(iv) Ayogerwako ekyamutuukako olowooza kyava ku ki? (obubonero 2)

(v) Nga weeyambisa essuula omuggyiddwa ebigambo ebyo, nnyonnyola ebizibu ayogerwako byasanga. (obubonero 10)

**Oba**

4b Nnyonnyla embeera kw'osinziira okwogera ku Mbayiwa ng'omusajja atali wa mukisa? (obubonero 20)



Scanned with CamScanner

**PRISCA NAKATO (nze mbimaze)**

5a ________________________Aaa muzzukulu Ayeti Obadde ki?

________________________ Jjajja naawe oyongera kunyiiza, bulijjo nkugamba nti si nze Ayeti naye nze..................(Aseka nnyo). Leero nno ggwe t omanyi, munno nange alibaawo waabwe, manyi enjawulo wakai wa Ayeti ne Ayebi? Mpozzi nkweyitirenga..........................................................

i) Menya aboogezi abo bombiriri abali mu akatundu ako kosomye waggulu? (obubonero 2)

ii) Ebigambo by'osomye waggulu laga ekitundu mwe bisimbuddwa? (obubonero 2)

iii) Nnyonnyola obutakaanya obuliwo wakati wabantu bano bombiriri mu kitundu omuggyiddwa eigambo ebyo. (obubonero 4)

iv) Omwogezi asooka asiiga atya ekifaananyi kyomulembe gwoyogerako mu kitundu kino. (obubonero 12)

**Oba**

5b Nnyonnyola ekifaananyi ekiraga obuntu bulamu omuwandiisi kyat usiigira mu muzaanyo guno? (obubonero 20)

**ALICE JANET NAMAGANDA**

**Ebitontome ebiseneekerevu**

Ddamu nnamba 6(a) ne 6(b)

**OLUBUTO KYOTO**

Olubuto Kyoto Abaganda baalugera
Alutyabira enku ezo
Yaluvaako n'akoowa
Twajjirwaokulya olw'olubuto
Twajjirwa okunywa olw'olubuto

© UMTA Joint Mocks 2023

Scanned with CamScanner

Tukeera ku manya lwa lubuto
Ne tunnyuka kiro lwa lubuto
Ne tuseyegguka lwa lubuto
Tumufunire ekimuggala
Abaapakasa ez'ekibuga
Bakeera ku ntongo lwa lubuto
Buleera ku ntogo lwa lubuto
Buli ekiyitawo nakitumya

Enswa ziyitawo n'azitumya
Enseenene  nazo ezamasavu
Ebiceppere ebyamyuse
Balya biffeene n'ebirugu
Biffuluutusi eby'ekapise
Bbagiya amulya n'omugoyo
Buli ekiyitawo n'akiyita
Ekyemisana n'akitumya
Ekikomando n'alyako
Ccaayi lwaggulo n'amutumya
Ne  mulokonyi n'awuuta

Obasanga ku malwa n'osoberwa
Bwe basontera n'enningu
Empuuta eyidde ne muwogo
Banywerako ffege n'osoberwa.
Obubbi bw'ennusu lwa lubuto
Bekkusa Ssebo n'osoberwa
Bagejja embuto ng'ebisero
N'ayisa empewo n'akutama

Ebyobufuzi byantabula
Bagejjesa embuto ebyokufuna
Batutundako n'eggwanga
Bakkusse embuto bannaffe



Scanned with CamScanner

Ku masomero kyetinta
Enkaayana ziba za kamera
Obusattiro lwa kawogo
Twajjirwa okulya ssibalimba

Tunyiikire okkola olw'olubuto
Tugobe enjala eya kisubi
Bwofuna ebbuto ery'ekipipa
Bamanya olina ggwe ensimbi.

**Ebibuuzo:**

i) Lwaki omuwandiisi ekigambo "Twajjirwa" akiddingana? (obubonero 6)

ii) Omuwandiisi yeeyambisizza olulimi lwa ngeri ki? (obubonero 4)

iii) Nnyonnyola ebintu eby'enjawulo ebinyuvuwaza ekitontome kino. (obubonero 8)

iv) Nnyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwebikozeseddwa". (obubonero 2)

- Basontera.
- Ery'ekipipa

**Oba**

6b) Ng'oggyeko obutonde bwensi, bintu ki ebirala omuwandiisi by'atabuusa maaso? (obubonero 2)


© UMTA Joint Mocks 2023

Scanned with CamScanner

## SSALI DAMISCUS: OBUWOOMI BWEKITONTOME

Ddamu nnamba 7(a) oba 7(b)

7a) Soma ekitontome kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

**"TUNADDAWA"**

Abaana ba Buganda.
Abali mu Buganda
Nga tuli mu Buganda
N'ebweru wa Buganda
Nga twogera Oluganda.
Kati nina ekibuuzo,
Anaakirya atuyambe,
Kuba tufa amabujje,
Kiikino kirinde.

Gutuuse mu mabujje,
Gannemeredde bambi,
Agasikwa agasajja
Agalina empalaata,
Agaleka bimaama,
Bwe benkanya emisinde
Ne gadda mu kukwaata,
Buno obutannatuuka,
Omutali masanda,
Yadde omuwuula bambi!

Tegalina kisa ago,
Gassempala nga gajja,
N'obukodyo ntoko nnyo.
Mwe gayita okututta,
Oluusi ku sukaali,
Buswiti bwa kunuuna,
Olukalya nga lijja,
Omuwozi kubanja,
Ennenge lizisudde,
Akasuwa nga lyasa.



Scanned with CamScanner

Ku mirembe emisuuna,
Tewaali bya kusaaga,
Nga k'oyuza oluwombo,
Nga tolabye ku taata,
Nga tolabye ku maama
Eriiso lya kutungwa,
Ensigo ya kuwaatwa,
Okwewonya ekikwa ggwe.

Kye nsaba mukwano,
Nga twagala okutuuka,
Mu nsi erimu ebirungi,
Tusaana tuddemu ensa
Tutaatire amabujje
Gakule mu butuufu

**Ebibuuzo:**

i) Ekitontome kino kirina Sitanza mmeka era zirina migaso ki mu kiyiiye kino? (obubonero 7)

ii) Nnyonnyola enziiringaana y'ebirowoozo mu kitontome kino? (obubonero 6)

iii) Omuwandiisi yeeyambisizza olulimi lwa ngeri ki? (obubonero 4)

iv) Nyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa? (obubonero 3)

- Gannemeredde
- Omutali masanda
- Kawaata

**Oba**

7b Nga weesigama ku kitabo kya Ssali laga bulungi engeri gy'ali omuyiiya atuukiridde. (obubonero 20)

**BIKOMYE WANO**

© UMTA Joint Mocks 2023


Scanned with CamScanner